# Ebifa mu BLB

Buganda Land Board

AMAWULIRE AGAKWATA KU BY'ETTAKA OKUVA MU BUGANDA LAND BOARD Vol: 5 Kafuumuulampawu 2023

# EMISINDE GYÁMAZAALIBWA




*Kabaka ngáwuubira ku nnamungi wómuntu eyeetaba mu misinde gyámazaalibwa*

**Okulambula e Ssentema: 02**



**Kibuga ku ntikko: 05**





**Ensisinkano ne GIZ: 05**



**Abagenyi okuva e Manchester: 02**



**Katikkiro e Kyaggwe: 04**

# Okulondoola ebikolebwa e Ssentema



Omuk. Simon Kabogoza (kkono) ngáliko byannyonnyola




Akafubo nga kakuliddwa ssentebe wa BLB Owek. Martin Kasekende

Ssentebe wa Bboodi ya BLB, Owek. Ying. Martin S. Kasekende si waakussa mukono ku nsonga z'okuzimba amayumba ga bafunampola. Ying. Kasekende yakulembeddemu ttiimu ya BLB ne balambula emirimu egikolebwa awazimbibwa amayumba ag'omulembe e Ssentema.

Ssentebe yawerekeddwako Omuk. Kabogoza Simon wamu n'omumyuka we, Omuk. Kizito bashir Juma n'abalala ne batunuulira omulimu we gutuuse, enteekateeka z'okuzimba bbugwe ku kifo kino n'ensonga endala ezirondoolwa.

Omupunta Sserunyiigo bakira y'abalaga empenda we ziyita. Oluvannyuma baalambuziddwa amayumba bwe gafaanana munda era beevuumbye akafubo akeetabiddwamu Ssebwana Charles Kisiriiza ssaako Ssentebe w'ekitundu ekyo, eyasuubizza okuwagira enteekateeka zonna.



Ekifaananyi ekyawamu

# Aba ssettendekero wa Manchester bakyadde mu BLB



Omuk. Simon Kabogoza (wakati) ng'ayogerako eri abagemyi



Omuk. Bashir Kizito (ayimiridde) ng'ayogerako eri abagemyi

Ssenkulu Simon Kabogoza ng'ali wamu n'omumyuka we, Omuk. Kizito Bashir Juma baasisinkanye abayizi abaagenyiwaddeko wano okuva mu Bungereza mu ssettendekero w'e Manchester n'ekigendererwa ky'okumanya ebitongole ebinene nga kino bwe bitambuza emirimu. Bano babannyonnyodde obuvunaanyizibwa bwa BLB n'emitendera gyayo gyonna ssaako ebikolebwa na butya bwe bayambye abantu okwesitula mu mbeera zaabwe okuyita mu nzirukanya y'ettaka mu Buganda ne Uganda yonna okutwalira awamu. Abagenyi era babasomesezza ku mateeka agafuga ettaka mu ggwanga ssaako ebyafaayo by'okuliddukanya mu Buganda. Ensisinkano eno yabadde mu kisenge omutuuzibwa enkiiko ku kizimbe Masengere.



Olukiiko nga lugenda mu maaso


# BLB ebugirizza Beene ku misinde gy'amazaalibwa



Ttimu ya BLB ngékulembeddwa Ssenkulu Omuk. Simon Kabogoza



Aunt Ruth yaliyo nnyo



Omumbejja Rose Ndakire (L)



Namungi w'omuntu eyeetaba mu misinde



Omulangira David Wasajja ye yali omuddusi omukulu



Abakozi ba BLB abalala



Abakozi ba BLB abalala

Ttiimu ya BLB yabukeerezza nkokola okwetaba mu misinde gy'amazaalibwa ga Beene egyasimbuddwa mu lubiri e Mengo, Ssaabasajja bwe yawuubye bendera okusimbula abaddusi mu miteeko egyenjawulo. Ku mulundi guno emisinde gy'amazaalibwa gyaluubiridde okulwanirira ensonga y'obutasaasaanya kawuka akaleeta mukenenya, okulaba nga kafufuggazibwa omwaka 2030 we gunaatuukira.

Maasomoogi mu lubiri yayaniriziddwa Katikkiro Charles Peter Mayiga ssaako Baminisita ab'enjawulo aba gavumenti y'Obwakabaka n'eya wakati. Yawerekeddwako Maama Nnaabagereka Sylvia Nagginda n'abaana b'engoma.

Empologoma yasiimye n'ewuluguma olwo nasiisi w'omuntu n'afa essanyu, emizira ne gisaanikira olubiri olwennyonta Obuganda gye bubadde nayo okulaba ku Mutanda ng'akaga. Nnyinimu yasiimye abantu be okwetaba mu misinde n'abakubiriza okwewala obulwadde bwa mukenenya ssaako okusiima abateesiteesi lw'entegeka ey'ekika kino ebuutikira ensi yonna.

Emisinde giwagirwa kkampuni y'ebyempuliziganya eya Airtel.

Mu ngeri yeemu, Ssenkulu Kabogoza Simon yakulembeddemu ttiimu ya BLB ku mukolo gw'okukwasibwa emijoozi egyaguliddwa abaweereza b'Obwakabaka okusobola okwetaba mu misinde gy'amazaalibwa ga Beene.

Emijoozi gyabakwasiddwa Minisita w'Abavubuka, Emizannyo n'Okwewummuzaamu, Owek. Henry Ssekabembe Kiberu era yeebazizza nnyo BLB olwokujjumbira ensonga y'okugula emijoozi mu kaweefube wa Namunswa okulaba ng'akawuka ka mukenenya katuulibwa ku nfeete nga 2030 tegunnayita.



Abakozi ba BLBabaasinziira e Kyaggwe



Minisita w'Emizannyo Owek. Henry Ssekabembe ng'akwasa BLB emijoozi

# Mujjumbire enteekateeka za BLB - Katikkiro

Katikkiro wa Buganda, Owek. Charles Peter Mayiga akubirizza banatu ba Kabaka okujjumbira enteekateeka zonna ezikolebwa BLB n'abategeeza nti zigenderera kubanywereza ku ttaka lya Bwakabaka.

Bino Katikkiro yabyogeredde ku mbuga y'essaza Kyaggwe wali mu Ggulu e Mukono bwe yabadde yeetabye ku mukolo gw'okuggulawo omwoleso gw'ebyobusuubuzi bannakyaggwe mwe baayoleserezza ebintu ebyenjawulo bye bakola, nga Ssekiboobo Boogere Elijah y'omu ku baabadde mu mitambo gy'omwoleso.

Yalambudde emidaala egyenjawulo nga n'ogwa BLB mweguli, nga yasanze TM Unia Nakirijja amulindiridde ne ttiimu ne bamwaniriza.

Katikkiro yawerekeddwako Minisita w'Ettaka n'Obutonde bw'ensi, Owek. Hajat Mariam Mayanja Nkalubo Nassejje, Ssekiboobo Boogere Elijah, Dr. Lulume Bayiga, Bishop William Ssebaggala eyawummula ssaako Abaami ba Kabaka ab'amagombolola.



Katikkiro ku mudaala gwa BLB



Ekifaananyi ekyawamu

# BLB ekiise mu mwoleso gwa PEWOSA



Abamu ku bagenyi abaakyalako ku mudaala bwa BLB



Omukiise wa Bboodi Omuk. Dr. Eve Kasiye-Alemu ngáwandiika mu kitabo kyábageyi



Mulindwa Geofrey ngányonnyola omugenyi

BLB yeetabye mu mwoleso gwa PEWOSA 2023 ogwayindidde enzingu ezaaweze omusanvu, nga gwatandika okuva nga 5 okutuusa nga 11 omwezi gwa Kafuumuulampawu. Ebitongole ebyenjawulo byagwetabyemu, nga BLB kye kimu ku bitongole ebitaalutumiddwa mwana. Bakira bakasitoma beekuluumulula okubaako bye beebuuza nga byekuusa ku ttaka era ttiimu yabadde bulindaala okubaaniriza okutuusa lwe gwakomekkerezeddwa. Bano bakira balina ensonga ez'enjawulo omuli; abeetaaga ettaka ly'okusigako ensimbi, abamu balina nkaayana n'ebirala njolo. Ensonga zaagobereddwa naddala abo abalina fayiro naffe.

# BLB ekyazizza aba GIZ



Olukiiko nga lugenda mu masso



Ensisinkano ne Centenary Bank

Bannamukago bannaffe ab'ekitongole ki GIZ, ekimu ku bitongole ebikola ku nsonga z'okutereeza obusenze bw'abantu naddala abo abawejjere n'abateesobola bakyaddeko mu ofiisi zaffe okulaba BLB bw'etambuza emirimu gy'okuddukanya n'okulabirira ettaka.

Bano bababuulidde ebintu ebyenjawulo omuli n'ebyekikugu ebiyitibwamu nga tutuusa obuweereza ku bantu omuli GIS, enkola y'okwewola (LAFI), okuggulawo fayiro, okugera ettaka, okusomesa abasenze n'ebindi bingi.

Oluvannyuma basisinkanye aba bbanka ya Centenary ettabi ly'e Lubaga okwongera okunnyonnyoka enkola ya LAFI bw'ekola n'okuganja eri bakasitoma baabwe. Kino kituukiddwako ng'aba GIZ batambulira wamu ne ttiimu ya BLB okubadde akwanaganya ensonga za LAFI, Nakalyango Rossette, akwanaganya ebyokusomesa abasenze, Namaganda Olivia Cox n'abalala.

# Kibuga ekizzeemu envuunulabibya



Abatwala Kibuga nga bakwasibwa ekikopo



Mvule Calson ngákwasibwa



Kitooke Sadic ngákwasibwa



Nakayiza Sarah ngákwasibwa



Bakkabulindi kagimu naye ngákwasibwa

Bannantawunyikamu mu by'okuwenja obusimooni omwaka guno bukya gwezingulula, ab'ettabi lya Kibuga neera bakyetisse, nga kirabika kyagala kufuuka kya bulijjo ettabi okutwala ekikopo buli mwezi. Kino baawangula kya Mugulansigo bwe baalaga amatabi amalala amaanyi era ng'ensangi zino bakamirwa bina nga bwe bawera okubadda mu biwundu mu mwezi gwa Kafuumuulampawu.

Ekikopo kyabakwasiddwa akulira ekiwayi kino era nga ye mumyuka wa Ssenkulu, Omuk. Kizito Bashir Juma ku mukolo ogwayindidde mu kisenge omuteesezebwa era nga Maneja Nanyonga Teo ne munywanyi we Nsubuga Wilber beesitukidde okukibakwasa.

Omuk. Kizito yabeebazizza olwokwolesa omutindo entakera. Bano baddiriddwa ettabi lya Kyaggwe, Buddu, Ndejje ne Luweero.

Abaweereza kinnoomu nabo beebaziddwa olwokukola obulungi era nga bulijjo, Nakayiza Sarah yasukkulumye ku banne n'agabana ebbaasa kirimuttu. Yaddiriddwa Edris Katongole, Kalema Emmanuel, Nvule Carlson, Kaddu Richard ne Nampase Flavia. Bonna baasiimiddwa n'ebbaasa enzito.

# HR Kigozi alambudde ku b'e Buddu

Ofiisi okuva mu kiwayi ekikola ku nsonga z'abakozi, Jude William Kigozi yalambudde ku baweereza b'ettabi ly'e Buddu n'abalambika ku bukodyo obunaabasobozesa okulinnyisa eddala ly'ennyingiza n'okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe mu buweereza.

Ku bugenyi bwa Kigozi ne Maneja kwe yakozeserezza omukisa n'akwasa omuweereza Emmanuel Kalema ebbaasa gye yawangula olwokukola obulungi mu mwezi gwa Mugulansigo, ng'ono teyasobola kwetuukira wabula Maneja Bakabulindi n'amukiikirira ku mukolo gw'okugaba ekikopo ogwakwatirwa ku kitebe ekikulu ku Masengere e Mengo.



*Mw. Kigozi ayimiridde ngáyogerako eri abakozi ku ttabi e Buddu*



*Olikiiko nga lugenda mu maaso*

# Ba kaliisoliiso batuse e Bukomero

Kaliisoliiso Prossy Nalunga ng'ali wamu ne TM Kabonge Charles ow'e Mityana baabinaanise engatto ne boolekera eggombolola y'e Bukomero mu Ssingo mu kaweefube gwe baliko ow'okulondoola ekitundu ku ttaka ly'embuga y'eggombolola eno, abakulembeze lye bagamba nti balirinako obwannannyini.

Kaliisoliiso yabakubirizza batereeze ebiwandiiko balambikibwe ku kiddako ku nsonga eno.

# Amawulire mu bifaananyi




*Moses Gambobbi ngásomesa ensonga zéttaka*



*Sarah Nansubuga ngásomesa ensonga zéttaka*



*Omusomo ku nsonga zéttaka*




*Obubaka bwa Eid*




*Obubaka bwa Easter*



*Omusomo e Lwengo*

# BLB bagyasimula bugolo mu corporate league

BLB ne ku mulundi guno terina gw'ettidde ku liiso mu mpaka za corporate league newankubadde namutikkwa w'enkuba yasoose kwefuga kisaawe. Emipiira gyasaliddwako olwembeera y'obudde, olwo buli ttiimu n'ezannya emizannyo ebiri. BLB gyombi yagiwuuse buva bwe yawuttudde Balore Logistics 2-0 ate UCAA yakubiddwa ekkene.



*Omupiira nga gugenda mu maaso wakati mu nkuba*

# Mut. I Nakisunga banjudde amakula

Abantu ba Kabaka okuva mu ggombolola ya Mut. I Nakisunga baakiise embuga ne banjula amakula mu lubiri e Mengo. Bano baaleese; ente, embuzi, enkoko, emmere n'ebirala ebyabatikkuddwa omukulu w'olubiri, Ssewava Robert n'abakuutira okunywerera ku nnono y'amakula bakisige ne mu bazzukulu.



*Amakula*

# Eddembe ly'abakyala ku ttaka likyatumbulwa

Omuweereza Cissy Namuddu Kiyaga y'omu ku baagenyiwaddeko mu Buswedi mu kaweefube akolebwa ensi yonna okulaba ng'omukyala afuna eddembe ly'e ku nsonga z'ettaka. Obugenyi bwa bano bwakutunuulira enkola empya ez'okuddukanya ettaka ng'omukyala talekeddwa mabega.

Ttiimu Cissy gye yatambudde nayo kwekuli abakungu okuva mu Minisitule y'Ebyettaka n'abalala abakola egyobwannakyewa mu bantu wano mu Uganda n'amawanga ga Africa amalala.



*Cissy Kiyaga e Buswedi*

# Ab'e Buddu basimbye ekijjukizo

Abaweereza okuva mu ttabi ly'e Buddu nga bakulembeddwamu Maneja bakabulindi Kagimu baasimbye omuti ogwekijjukizo mu luggya lw'ekkakkalabizo nga beebaza Omutonzi olwokutuusa Omutanda ku mazaalibwa ge ag'e 68. Abakyala baabaddewo nnyo ku lw'enteekateeka eno.



*Abakozi bé Buddu nga basimba omuti*

# Abakulembera Mityana tebatudde



Ekifaananyi ekyawamu



Okulambula ettaka

TM Kabonge Charles ng'ali wamu ne Maneja Kitooke abatwala ettabi ly'e Mityana baatuuseeko ku ttaka e Kiganwa eri omusenze agambibwa okulifunako ekyapa, nga lino lisangibwa kumpi n'ekibira Nkambwe. Baabadde balondoola ebikolwa by'okusaanyaawo ebirime ebyakoleddwa aba NFA, nga bategeeza nti ettaka lya NFA era nga baliko DPC gwe baaliwadde alikulaakulanye.

Oluvannyuma ababiri bano baagasimbaganye ne kyesenza eyategeerekeseeko erya Kayizzi, eyasimbye olusuku obwaguuga ku ttaka ly'Obwakabaka e Magala okumpi n'omugga Kanyogoga kyokka ng'ettaka lino talirinaako biwandiiko. Baamusoyezza ebibuuzo ku nzija ye mu kifo ekyo.

# Maneja Ssembatya ayanjudde abakozi abapya





Maneja Emmanuel Ssembatya atwala ettabi ly'e Luweero mu Bulemeezi ayanjulidde Abaami ba Kabaka mu ggombolola ya Mumyuka Butuntumula ssaako Mut. II Baamunaanika abaweereza abapya abaasindikiddwa okukolera mu ttabi eryo, okusobola okwongera ku nnyingiza y'ensimbi mu ttabi n'ekitongole okutwalira awamu.

# Abapunta bafunye Pulezidenti omuggya




Ekifaananyi ekyawamu ekyólukiiko olufuzi



Dr. Nathan Kibwami (kkono) ngákwasa Aloysius Gonza entebe

Ekibiina ekitaba abapunta mu ggwanga ki Institution of Surveyors Uganda kikyusizza omukulembeze waakyo oluvannyuma lw'emyaka ebiri nga Dr. Nathan Kibwami y'akiri mu mitambo. Ekibiina kino kyafunye Pulezidenti Aloysius Gonza ku mukolo ogwakomekkerezza ttabamiruka eyatudde ku Imperial Resort Beach Hotel Entebbe.

Ttabamiruka ono n'abapunta ba BLB baamwetabyemu nga baakulembeddwamu Omuk. Kizito Bashir Juma.

Gonza y'abadde amyuka Dr. Kibwami mu kisanja ekyawunzikiddwa era yalondeddwa nga tavuganyiziddwa. Ono yayambaziddwa omukuufu ogwoleka ekitiibwa kya Pulezidenti.

Dr. Kibwami yasiimye ebitongole by'Obwakabaka naddala BLB ne CBS olwokuyimiriranga nabo ne babawa omwagaanya okwanja ensonga zaabwe ku ttaka n'ebirala ebikosa emirimu gyabwe.

Abakulembeze abaawummudde baasiimiddwa ne baweebwa satifikeeti ezikakasa ekyo.

# Aba KWBK batalaaga ku nsonga z'Amakula

Omuweereza Wasswa Bukenya owa ofiisi ya KWBK tassa mukono ku by'okulaba nga mu mbiri temuggwa byakulya. Yasisinkanye ab'olukiiko lw'eggombolola ya Mut. VI Ngobya Wabusaana mu Bulemeezi n'abaliisa enjiri y'amakula era bano basuubirwa okukiika embuga ng'omwezi gwa Muzigo gutandika.

N'aba Mut. I Buwunga mu Buddu yabalambise ku nsonga y'amakula n'abakubiriza okukozesa entambula eyabaweereddwa Obwakabaka okufeffetta amakula mu byalo.

Oluvannyuma Bukenya yakwasizza Mut. VI Katwe Butego, Gertrude Zawedde satifikeeti eyaweereddwayo ofiisi ya KWBK okusiima abantu olwokuvujjirira amakula.



Ekifaananyi ekyawamu

# Abaweereza abaazaalibwa mu Kafuumuulampawu





***Baweereza okuva mu biwayi ekipunta n'ekitambuza emirimu mu matabi bayozaayozezza ababatwala (OMUK BASHIR KIZITO NE HAJATI REHEMA NANVUMA) bwe babagulidde kkeeki ebakulisa okutuuka ku myaka gyabwe gye baawezezza.***

"Muyogeeyoge bannaffe!



**SSENYOMO DANIEL**




**NAKIBUUKA ESTHER**



**NAKIRIGYA YUNIA**



**SSERUNJOGI GEORGE**



**MAGUU ROBERT**